# Batongozza okukola olwa Mpereerwe - Kiteezi

Bya ERIA LUYIMBAZI



Abantu nga bajagaya bwe baabadde batongoza okukola oluguudo lw'e Kiteezi. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

## Abantu kye bagamba


Bemba Katende; Tuzze twekubira enduulu olw'ekkubo naye nga tetuyambibwa. Ffe abalina amaduuka twaluvaako nga tolina w'oyisa mmotoka okutuuka. Tusaba KCCA etutaase.


Malcom John Mukasa: Mbadde kansala emyaka 5 ng'oluguudo lubi naye tufunye ku ssanyu nti KCCA yeeyamye okulukola.


Maria Nakimbugwe: Nnina edduuka ku luguudo luno naye bakasitoma bange balugwamu ne bafuna ebisago. Tusaba KCCA erukole emirimu gitamule bulungi kuba luli mu mbeera mbi.

ABATUUZE n'abantu abakozesa oluguudo lwa Mpereerwe- Kiteezi- Kiti bafunye ku buweerero, KCCA bw'epatanye China Communication Construction Company okulukola ku buwumbi 48.7, bawone enfuufu n'ebinnya.

Kino kisanyudde abatuuze n'abalukozesa ababadde nga balaajana nga bagamba nti oluguudo lubadde mu mbeera mbi nga ku musana enfuufu ebamalako emirembe ate ku nkuba ne lijjula ebisooto.

Minisita wa Kampala, Hajjati Minsa Kabanda bwe yabadde atongoza okukola oluguudo luno eggulo, yagambye nti Gavumenti ng'eyita mu KCCA eyanukudde okulaajana kw'abantu abakozesa oluguudo luno n'agamba nti lugenda kukolebwa baluyiwe koolaasi n'okukola emyala. Yagambye nti, oluguudo luno lwakukolebwa okutuuka mu Kiti n'agamba nti lwakugatta Kampala ku Wakiso nga bwe kikoleddwa ku nguudo endala okuli olw'e Bunamwaya ne Ssentema.

Yasabye abaliraanye oluguudo okuwaayo ettaka lukolebwe kuba tewali ssente zaakuliyirira wabula bakikolé olw'enkulaakulana egenda okubagasa.

Amyuka akulira KCCA, Benon Kigenyi yagambye nti oluguudo luno luweza obuwanvu bwa kiromita nnya, nti wabula baafunye ssente mu nteekateeka ya Kampala City Road Rehabilitation Project ne bongerako kiromita endala 5 okuweza 9 okutuuka e Kiti mu Wakiso n'agamba nti lusuubirwa okuggwa mu myezi 18.

Meeya wa Kawempe, Emmanuel Sserunjogi yagambye nti oluguudo luno terwali lwa KCCA wabula lwali luvunaanyizibwako minisitule y'ebyenguudo n'entambula naye KCCA bwe yalaba obwetaavu n'esalawo lukolebwe n'egattako n'ebitundu mu Wakiso.

John Mary Ssebuufu eyakiikiridde Loodi Meeya wa Kampala yagambye nti, KCCA yeetaaga okufuna ssente eziwerako okukola emirimu ng'omwaka yeetaaga obuwumbi 2,000 wabula efunako ebitundu 30 ku 100 zokka okuva mu Gavumenti so nga balina enteekateeka ze bafulumya ekibuga kwe kirira okutambulira omuli n'okukola enguudo.

Ssentebe wa Mugalu zooni, Charles Kisekka yagambye nti baludde nga basaba oluguudo luno lukolebwe era ne batuuza enkiiko n'okuwandiikira ofiisi ez'enjawulo wabula nga tewali kuddibwamu n'agamba nti, okulutongoza kibawadde essuubi.

Omusumba w'e Mpereerwe, Rev. John Kiyingi yagambye nti, n'Abakristaayo abasabira ku kkanisa ya St. Stephen's Mpereerwa gy'atwala babadde baakendeera nga batya embeera y'oluguudo luno embi.